**BUGANDA YIYO BUGANDA YANGE**

# ALIPOOTA Y'OMWAKA 2025




**Mul. KALEMA ABUBAKER.K**

**OMUWANDIISI - BYBY7**


**31/12/2025**


www.bugandayiyoyange.org
@Bugandyiyoyange
bugandayiyobugandayange@gmail.com
+256-759-606-006

BHTB H/Q
Lubiri Ring Road
Next to Butikkiro,
Opp Kabaka's Palace
Mengo, Kampala, Uganda

## ENNYANJULA:

Omwaka 2025 gubaddemu ebirungi ebitagambika byetutuseeko mpozzi n'okusomoozebwa kwetusobodde okuyigirako okusobola okutumbula obuweereza bwaffe.

## EBITUNULIDDWA:

Ekibiina kino okusobola okutuukiriza okwolesebwa wamu n'ekkatala lyakyo okuweereza Buganda bino byebimu ku bitunuuliddwa okukolebwa;

1. Okukebera n'okuzuula obubaka obukyamu. Okutondawo enkola etambulira mu kiseera kyennyini mu kukebera, okuzuula n'okugoberera obulimba obwogerwa ku Buganda obutambuzibwa ku mitimbagano.

2. Okuzimba n'okulabirira emikutu emitongole mu kuweereza egy'esigika buli kiseera egy'amazima era egitambuliribwaako obubaka obukakasiddwa.

3. Okutondawo obubaka obw'omuzinzi nga busimbye amakanda mu buwangwa obusomesa abantu bonna ebikwata ku Byafaayo, Empisa n'okwolesebwa kwa Buganda okukwaŋŋanga obulimba embagirawo.

4. Okuggyayo n'okuteeka mu nkola enteekateeka ezoogera era ezisambajja obulimba bwennyini, nga tukoseza amazima, obujulizi wamu n'obubaka mu butambi ne mu bifaananyi ebisimbuliziddwa mu maloboozi g'abakulu mu Bwakabaka.

5. Okuzuula, okutendeka n'okuwa amaanyi ekibinja ky'abantu abawulize era abamanyi okukunga nga bakoseza omutimbagano okusemba n'okutambuza obutambi obutuufu obuddamu ku bubaka obw'obulimba mungeri ey'ekitiibwa wabula era mungeri ennungi.

6. Okukolera awamu n'obukulembeze bw'Obwakabaka, obukulembeze bwe Nnono, ebitongole ebiyigiriza, n'emikutu gy'amawulire ginnamikago okukakasa nga tuweereza obubaka obwa buli kiseera n'okusaasaanya amawulire mu bunenne era agakakasiddwa.

7. Okwetaba obutereevu mu kulwaniirira ekifaananyi kya Ssaabasajja Kabaka n'ebitongole eby'omuzinzi okuva eri okulumbibwa kwo ku mutimbagano okuyita mu mateeka, mu buwangwa wamu n'enkola ez'olukale.

8. Bulijjo okubalirira obulungi eby'empuliziganya n'obukoddyo obw'okukozesa mu kwekkennenya endowooza n'okufuna enkola (enaatunuulira ku kutiisibwatiisibwa okuvaayo n'okuddamu kw'abantu.

9. Okuteekateeka (ba mmemba n'obukodyo, amagezi wamu n'enkola ez'obuwangwa n'ennono ezeetagibwa okukiikirira Obwakabaka n'obuvumu wamu n'obusobozi okuyita mu kutendekebwa okwabuli kiseera mu by'empuliziganya, obumanyi bw'omutimbagano, enkolagana n'abantu abalala, okulowooza okwebuziba n'obuwanga n'ennono.

## BYETUSOBODDE OKUKOLA:

### Gatonnya:

**1**. Okubaga Enteekateeka (Work Plan) Ya 2025.
**2**. CBS PEWOSA.

### Mukutulansanja:

**1**. Okuzimba *Website* ya BYBY.
**2**. *Domain Name* Ya BYBY.

**Mugulansigo:**

**1**.Okutunda Emijoozi Gya Kabaka Birthday Run.
**2**.Omwoleso Gwa Ugandans OnX.

**Kafumuulampawo:**

**1**.Emisinde Gya Kabaka Birthday Run.
**2**.Amazaalibwa Ga Kabaka Aga 70.

**Muzigo:**

**1**. Okulambula Ssezibwa Falls.

**Ssebaaseka:**

**1**. Okubaga Ssemateeka Wa BYBY.
**2**. Ensisinkano N'omuwabuzi Wa BYBY.
**3**. Okutongoza Okunoonya Oluwalo 2025.
**4**.Ensisinkano Ne Minisita W'amawulire Mu Buganda.

**Kasambula:**

**1**. Obubaka Obuyozaayoza Kabaka Ku Matikkira Anga 32.
2. Okujaguza Amatikkira Aga 32.

**Muwakanya:**

**1**. Kukyaalira Ppookino Mu Ssaza Buddu.
**2**.Omusomo Ku Buwangwa N'ennono Bya Buganda.
**3**. Oluwalo Lwa 2025.

**Mutunda:**

**1.** Okutongoza Akakiiko Ka BYBY@3.
**2.** Okuggulawo Membership Portal.

**Mukulukusabitungotungo:**

1. Okulonda Abakiise Abajja Ku Lukiiko Olwa BYBY.
**2**. Back Drop Ya BYBY.
**3**. Ebijaguzo Bya BYBY Nga Tuweza Emyaka 3.
**4**. Okulambula Mu Buganda Library And Archive Center.
**5**. Akatabo K'eggulire Lya BYBY.
**6**. Ebyettunzi.

**Museenene:**

**1**. Okukola *Headed Paper* Empya Ssaako Ne *Seal* Ya BYBY.
**2**. Omujoozi Gwa Tiimu Ya BYBY Ey'omupiira.
**3**. Okukuza Olunaku Lwa Abavubuka Mu Buganda.
**4**. Ensisinkano Ne Minisita Wa Amawulire.

**Ntenvu:**

**1**. Okusiima Oweekitiibwa Israel Kitooke.
**2**. Okutandika Ku Nteekateeka Ya Ppookino Nursary School.
**3**. Okufuna Omumyuuka Wa Owamawulire Ku Lukiiko Olukulu.
4. Okufuna Internal Request Forms.
**5**. Okukola Enteekateeka N'embalirira Ya 2026.
**6**. Akabaga Ka Banna Mawulire N'ebirabo Okuva E Mengo.

**EBIRALA EBYATUUKIBWAKO.**

**1**.Okutuuza Enkiiko Ez'enjawulo.
**2**.Okutegeka Emisomo Ku Mitimbagano.
**3**.Okwanjula Kwa Muweereza Mu Naffe.
**4**.Okwongerayo Amawulire Agava Embuga.
**5**.Miss Tourism Buganda.


**OKWEBAZA.**

## EBIKOLEDDWA MU BUJJUVU:

## *GATONNYA*:

### 1. Okubaga Enteekateeka (Work Plan) Ya 2025.

Ssentebe Mw.Munaawa Dan wamu n'owa Pulojekiti Enteekateeka N'enkulakulana Mw.Twagala Ssekitoleko baatula mu lukiiko ku Mbuga y'eGgombolola Mut.II Nabweru ne babaga enteekateeka y'ekibiina ey'omwaka 2025.





### 2. CBS PEWOSA.


Twatandika ku nteekateeka y'okusonda ssente za CBS PEWOSA. Enteekateeka eno ya kutandika enkola ey'okweterekera n'okwekulakulanya mu ba mmemba baffe bonna abewandiisa mu bujjuvu.

## *MUKUTULANSANJA*:

### 1. Okuzimba *Website* Ya BYBY.

Twatandika okuzimba Website yaffe nga ekibiina. Nga zino zakutuyamba ku nteekateeka nyinji zetusuubira okutuukiriza nga tuyita ku mutimbagano. Omuli okwewandiisa kwa ba memba obutereevu, edduuka n'ebirala bingi. Kuno era kwetuyitira eri omuntu yenna ayalaga okubeera memba.





## 2. *Domain Name* Ya BYBY.

Buganda Yiyo Buganda Yange twasobola okufuna *Dormain Name* z'ekibiina kyaffe bbiri. Nga zino kwekuli; www.bugandayiyoyange.com ne www.bugandayiyoyange.org. Era kati tuli butereeevu ku mutimbagano ogwawamu.

## *MUGULANSIGO*:

### 1. Okutunda Emijoozi Gya Kabaka Birthday Run.

Mu March twatandika ku kutunda emijoozi gya Kabaka Birthday Run; era nga kino kikolebwa buli mwaka okusobola okuwagira enteekateeka y'obwaKabaka eno. Okuyita mu nteekateeka eno twasobola okutunda emijoozi gya 5,040,000/= nga tuyita ku mitimbagano. Era nga twetaba butereevu mu mwoleso gwa UOX ogwaliwo nga 29/3/2025.







### 2. Omwoleso Gwa *Ugandans On X* (UOX).

Twetaba butereevu mu mwoleso gwa UOX nga guno gwaaliyo nga 29/3/2025 nga gwaali mu Ggombolola ya Nakawa ku mwoleso guno, twasobol aera n'okutundirako emijoozi gya Kabaka Birth Day Run era nga kyatukolera bulungi nnyo.






***KAFUMUULAMPAWO*:**

1. **Emisinde Gya Kabaka Birthday Run.**

Nga 6/4/2025 bammembabangi beetaba mu kudduka emisinde gya Kabaka BirthDay Run mu Lubiri e Mengo.






2. **Amazaalibwa Ga Kabaka Aga 70.**

Nga 13/4/2025 twetaba butereevu mu bijaguzo bya Amazaalibwa ga Ssaabasajja Kabaka. Era ebikujjuko bya Amazzalibwa byonna twabisoosowaza ku mitimbagano gyaffe ejenjawulo.






***MUZIGO*:**

1. **Okulambula Ssezibwa Falls.**

Twasobola okulambula Ebbibiro lya Ssezibwa erisangibwa e Kyaggwe nga 17/5/2025. Twakulembera abantu ba Buganda okugenda okulambula, era nga wano abantu abasoba mu 40 bebatambula naffe mukulambula kuno. Enteekateeka eno yakulemberwamu ekitongole ky’Obuwangwa, eNnono n’Obulambuzi mu kibiina kino. Ensimbi ezavaamu zawagira ku kusoma kw’omwana wa omugenzi SADI SHORTS nga zakwasibwa Mw. Twikiriza Gedion kw’olo olunaku lwennyini nga tuli e Ssezibwa. Twasobola okufissawo 377,000/= ezagenda mu gwanika.




## ***SSEBAASEKA*:**

### 1. Okubaga Ssemateeka Wa BYBY.


Nga 12/6/2025 akakiiko akakulembera okubaga Ssemateeka wa BYBY katuuza olukiiko lwako ku BHTB. Kuno kwaaliko Mw. Munaawa Dan, Omul. Kalema Abubaker.K, Mw. Twagala Sekitoleko ne Mky. Namulwana Hilda.bano batuula okuggusa ensonga enookuva esawa Nnya ez'okumakya okutuuka essawa Nnya ezekiro era omulimu baasobola okuguggusa obulungi ddala.



### 2. Ensisinkano N'omuwabuzi Wa BYBY.

Nga 14/6/2025 akiiko akakulembera okubaga Ssemateeka kaafuna ensisinkano ey'enjawulo n'Omuwabuzi wa BYBY Mw. Simon Ssenkaayi. Eno yali ku wofiisi ye eri e Mengo era nag ensinkano eno yatwaala kumpi olunaku lulamba. Omuwabuzi waffe atuwa amagezi ku buli nsonga ey'enkizo kw'ebyo byetukola ne bye tusuubira okukola nga ekibiina era nga agatta etofaali ddene ddala ku mutindo gw'obuweereza bwaffe nga ekibiina.

Mw. Munaawa Dan, Omul. Kalema Abubaker.K ne Mw. Twagala Sekitoleko.




### 3. Okutongoza Okunoonya Oluwalo 2025.

Nga 20/6/2025 twatongoza Luwalo Lwaffe *(#BYBYLuwaloLwaffe)* mu butongole. Omukolo gwaali ku BHTB. Omukolo gwaaliko ba nnalulungi ba Buganda.




### 4. Ensisinkano Ne Minisita W'amawulire Mu Buganda

Nga 24/6/2025 olukiiko olukulembeze lwafuna ensisinkano ne Minisita w'Amawulire, Okukunga era Omwogezi w'Obwakabaka *Owekitiibwa Isreal Kazibwe Kitooke* okumwanjulira ekibiina kya BYBY mubutongole.




***KASAMBULA*:**

### 1. Obubaka Obuyozaayoza Kabaka Ku Matikkira Aga 32.

Obubaka buno bwakolebwa mu katambi akateekebwa ku mitimbagano egyenjawulo era nga twafuna omukisa nti ne twafuna omukisa wetwaali tukwaata ekitundu mukatambi nga tuli mu Lubiri e Mengo, Beene yatuyitako mu Luseregende lw'emotokaze mu Lubiri munda. Ssentebe Mw.Munaawa Dan ne Omuwandiisi Omul.Kalema Abubaker be baakola akatambi akayozaayoza Ssaabasajja okutuuka ku matikkira ag'emyaka 32.




### 2. Okujaguza Amatikkira Aga 32.

Twetaba mu bijaguzo bya Amatukkira ga Ssaabasajja Kabaka era nga bammemba abamu gali ku Muzikiti gw'obusiramu e Kibuli era nga twagusoosowaza annyo ku mikutu jaffe egy'emitimbagano.





***MUWAKANYA*:**

### 1. Kukyaalira Ppookino Mu Ssaza Buddu.

Nga 4/8/2025 twakyalira Omwami w'Essaza Buddu Ppookino wamu ne ssomero lya Ppookino Nursery School. Nga bakulemberwamu ekitongole kya Pulojekiti, Enteekateeka n'Enkulakulana. Enteekateeka eno yakulemberwamu Mw.Twagala Sekitoleko akulira Pulojekiti n'enkulakulana wamu n'omumyuka we Omumbejja Nattu Dorothy. Bano bawerekerwako; Ssentebe Mw.Munaawa Dan, Omuwandiisi Omul.Kalema Abubaker.K, bannalulungi ba Buddu (Miss Tourism Buddu) Miss Nassali

Claire Kibudde ne Miss Nantongo Hellen (Miss Tourism Buddu 1st Runners Up). Ensonga y'okukyaalira Ppookino yali ya Bulunjibwansi gwetusuubira okukola mu Masomero ga Kabaka aga Nursary nga tutandikira ku Ppookino Nursary School mu Buddu. Eno tusuubira okuteeka amasannyalaze mu bizimbe by'esomero, okutwaala ebyokulya ssako n'ebintu ebikozesebwa abayizi mu kusoma.





## 2. Omusomo Ku Buwangwa N'ennono Bya Buganda.

Nga 9/8/2025 twafuna omusomo ku buwangwa, ennono n'ebyafaayo bya Buganda nga guno gwatuweebwa Omuwabuzi wa BYBY Mw. Simon Ssenkaayi nga gwaali ku BHTB. Twasobola okuyungako banaffe abali mu Diaspora era baaguwuliriza buteerevu ku whatsApp call. Omusomo bweeguti gwegwasookera ddala era omuwabuzi waffe eyali omusomesa yasuubiza wetunategeka nga yewaali okutubangula mu nsonga z'ennono n'obuwangwa bwaffe nga abaganda.





## 3. Oluwalo Lwa 2025.

Nga 26/8/2025 ekibiina kyakiika Embuga n'oluwalo lwa bukadde 3,000,000/= bbe ddu. Twasobola okukunga banaffe abaasukka amakumi abiri era Ssentebe yasobola okutuusa obubaka obutongole obwa BYBY N'omumyuka w'akakiiko ak'oluwalo 2025 Mw. Twikiriza Gedion yatuusa obubaka ku lw'akakiiko ako. Twasiimibwa nnyo Katikkiro eyali ekiikiriddwa Minisita wa Gavumenti ez'ebitundu Owekitiibwa Joseph Kawuki. Era yatweebaza obuweereza bwaffe, yatusaba tugende mumaaso. Twatwaala 3,000,000/=.








***MUTUNDA*:**


## 1. Okutongoza Akakiiko Ka BYBY@3.

Waaliwo okutongoza akakiiko akaakulemberamu enteekateeka z'ebijaguzo bya BYBY@3 nga tuweza emyaka 3 nga tuweereza Obuganda nga tuyita ku mitimbagano egyenjawulo. Akakiiko kakulemberwamu; Mw. Twagala Sekitoleko–Ssentebe w'akakiiko, Mkyl. Nviiri Sarah–Muwandiisi, Mumbejja Nattu Dorothy–Memba/Muwanika, Mul. Kalema Abubaker.K–Memba/Wamawulire ne Mw. Emirigius Kaddu–Memba.



## 2. Okuggulawo Membership Portal.

Nga tuyita mu wofiisi y'owaTekinolojiya tusobodde okuggulawo Membership Portal ku Website yaffe nga eno buli member gyayitamu okwewandiisa ne 10,000/= omwaaka era n'okusasula ensimbi z'obwa memba omujjuvu ow'ekibiina. Era buli memba afuna e namba mu kibiina eyiye ssaako ne satifiketi gyasobola okufulumya ku ne ku lupapula ewanikibwa. Wetwogerera nga bamemba bali 212, abasasudde 82 abatannasasula 130.






***MUKULUKUSA BITUNGOTUNGO*:**

1. **Okulonda Abakiise Abajja Ku Lukiiko Olukulu Olwa BYBY.**

Nga 5/10/2025 Ssentebe wa BYBY yawandiikira abantu abenjawulo ku buvunanyizibwa obwenjawulo ku lukiiko olukulu olwa mu BYBY. *Mumbejja Nattu* nga Muwanika omujja Nga adda mu bigere bya Mumbejja Ndagire Christine eyali afunye obuvunanyizibwa obulala nate, *Dorothy* M*umbejja Ndagire Christine* nga Omumyuka wa atwala ekitongole ky'omukubiriza nga kati amyuuka Mw.Kulumba Dickson, *Mky.Sarah Nviiri* nga Omumyuka wa atwala ekitongoe kya Pulojekiti Enteekateeka N'enkulakulana nga kati amyuuka Mw.Twagala Ssekitoleko, Mw.Ssuuna Ian nga ye Mumyuuka w'atwaala Tekinolojiya nga kati amyuuka Mw. Wycliffe Ssemakula. Era emirimu bajitandikirawo baweereza.






2. **Back Drop Ya BYBY.**

Tusobodde okufuna Backdrop, branding yaffe gyetusoose okukola, gyetujja okukozesa nga mu mikolo egyenjawulo gyetunaakola n'egyo gyetunetaba ngamu ne mu buweereza bwaffe obwenjawulo.



### 3. Ebijaguzo Bya BYBY Nga Tuweza Emyaka 3 (BYBY@3).

Nga 5/10/2025 twajaguza emyaka 3 nga tuweereza ObwaKabaka nga tuyita ku mitimbagano egyenjawulo, mu kugatta, okukunga, okubunyisa amawulire, okusomesa n'obuweereza obulala eri abantu ba Kabaka mu ngeri ez'enjawulo. Era ebijaguzo byaali ku kitebe kya BHTB bannamukago baffe. Abantu abajja baali bawera 23. Omugenyi omukulu yali minisita w'amawulire, okukunga era omwogezi w'oBwakabaka bwa Buganda Oweek. Israel Kitooke. Omukolo gwa kulemberwamu akakiiko okwaali; Mw.Twagala Sekitoleko–Ssentebe w'akakiiko, Mkyl.Nviiri Sarah–Muwandiisi, Mumbejja Nattu Dorothy–Muwanika, Mul.Kalema Abubaker.K–Wamawulire ne Mw.Emirigius Kaddu–Memba. Abagenyi abenjawulo abaaliwo ye Ssentebe wa Nkobazambogo mu ggwanga Mw.Moses Semujju Mwanje ne Ssabawandiisi w'abavubuka mu ggwanga Mkyl.Nantamu Laziya.



### 4. Okulambula Mu Buganda Library And Archive Center.

Nga 5/10/2025, era twagendako fenna abaali ku mukolo gwa BYBY@3 wamu mu tterekero ly'ebitabo eriri mu kifo kino kyennyini ekya BHTB era netusobola okulirambula era buli omu yafunayo ebitabo ebya munyumira n'okusomako. Twafuna ne ku bifaananyi okuwanika ku mitimbagano nga tulanga ekifo okusikiriza abantu okujja okwesomera ku bitabo n'okulambula ekifo kino.



### 5. Akatabo K’eggulire Lya BYBY (BYBY News Letter).

Twasobola okukola akatabo akasookedde ddala okuva mu ggwandiisizo akayitibwa ***News Letter #BYBYat3*** nga kano kalimu ebimu kwebyo byetusobodde okukola mu myaka esatu egyiyise. Era nga kajja kubeera ngawo buli kujaguza omukolo gwaffe guno. Kano osobola okukasanga ku website y’ekibiina ne ku mikutu gyaffe gyonna. Tujja kubeera nga tulangiramu bizinensi ezenjawulo tusobole okuyingiza ensimbi mu ggwanika lyaffe.




### 6. Ebyettunzi.

Mu bikujjuko by’okukuza emyaka 3 nga tuweereza abantu ba Ssaabasajja, twasobola okukolayo Key Holders okuzitunda tusobole okufuna kyetuyingiza mu ggwanika ly’ekibiina. Zino tukyazirina era nga buli emu ya 5,000/=. Tusuubira okwongera okuyiiya ebirala bingi byetunaatunda okusobola okuteeka ensimbi mu ggwanika lya ffe.



***MUSEENENE:***

1. **Okukola *Headed Paper* Empya Ssaako Ne *Seal* Ya BYBY.**

Nga tuyita mu wofiisi y'egwandiisizo n'eyaSsentebe, twatuuka kunzikiriziganya ne Ssenkulu wa BHTB okusobola okuteeka endagiriro y'ekifo kino ku Headed Paper ya BYBY nga endagiriro yaffe. Nga bwe twaweebwa omukisa okubeera amaka ga wofiisi yaffe. Omuwandiisi Omul.Kalema Abubaker.K yasobola okukola Headed Paper y'ekibiina empya ne Seal nga bino byayanjulwa eri olukiiko olukulu ne lubiyisa. Bino bijja kwongera okunyweeza okukuuma ebiwandiiko byaffe nga tebikozeseddwa bannakigwanyizi ne ku mitimbagano.







2. **Omujoozi Gwa Tiimu Ya BYBY Ey'omupiira.**

Tusobodde okufuna omujoozi gwa Tiimu yaffe ey'omupiira ogw'ebigere. Eno nga yawagirwa abavujjirizi baffe aba KOOPSER RETAIL SERVICES era nga kampuni eno okulirwa munakibiina munnaffe atwaala Diaspora Mw.Micheal Lubandi.






### 3. Okukuza Olunaku Lw'Abavubuka Mu Buganda.

Twasooka kwetaba mu mizannyo egyakulembera ebikujjuko mu Lubiri e Mengo nga 14/11/2025 era nga waaliwo okuvuganya mu mizannyo egyenjawulo omwaali n'omupiira gwe twetabamu obutereevu nga guno Tiimu yaffe ey'omupiira yaviiramu ku semi-finals. Ate nga 15/11/2025 era twetaba ku mukolo gw'okukuza olunalu luno obutereevu.









### 4. Ensisinkano Ne Minisita W'Amawulire.

Nga 17/11/2025 twafuna ensisinkano ey'enjawulo ne minisita wa Amawulire, Okukunga Abantu era Omwogezi w'obwaKabaka, Oweekitiibwa Israel Kitooke mu wofiisi ye eBulange Mengo. Minisita yasiima emirimu egy'ettendo gyetukola obutaweera era alina entanda ey'ekyama gye yatusibirira mu buufu obwo.





***NTENVU*:**

1. **Okusiima Oweekitiibwa Israel Kitooke.**


Nga 4/12/2025, Olukiiko lwa BYBY nga luyita mu wofiisi ya ssentebe lwasobola okusiima mu buwandiike Oweekitiibwa Israel Kitooke Minisita




wa Amawulire , Okukunga Abantu era Omwogezi w'obwaKabaka bwa Buganda. Lwa musiima okwerekereza n'ajja ku mukolo gwa ffe ogwa BYBY@3 wakati mu mirimu emingi gyeyalina kw'olwo olunaku olwa Sunday.

2. **Okutandika Ku Nteekateeka Ya PpookinoNursary School.**

Twatandika okutambuza mu butongole enteekateeka eno nga twatandika na kuwandiikira Oweek.Israel Kitooke ebbaluwa mu butongole emutegeeza ku nsonga eno. Twatandika ku nteekateeka ey'okuteeka amasanyalaze mu bizimbe by'essomero lino era embalirira yafuluma, abakugu nebatwalibwa okulaba n'okupima ebyetaagisa okuteekamu amasanyalaze. Ppookino Oweekitiibwa Jude Muleke yawandiikibwa okumusaba okuwandiikira aba UEDCL okukkiriza okuyingiza amasannyalaze.









### 3. Okufuna Omumyuuka W'Owamawulire Ku Lukiiko Olukulu.

Nga 6/12/2025 Ssentebe wa BYBY yawandiikira *Mky.Nalwadda Josephine* BYBY33 nga ategeezebwa nti alondeddwa mu butongole nga Omumyuka w'atwala ekitongole ky'Amawulire N'okukunga ku lukiiko olukulu olwa mu BYBY. Nga kati amyuuka Mky.Naluggwa Lilian. Era emirimu yajitandikirawo aweereza.



### 4. Okufuna Internal Request Forms.

Twasobodde okukola Internal Request Forms nga zino zijja kukozesebwa ebitongole/wofiisi zonna nga zetaaga era nga zisaba ensimbi okuva ku ggwanika. Kino nga kyakutuyamba okumanya n'okulondoola ensaasanya ku bintu n'emirimu gy'ekibiina obulungi. Foomu eno yakukozesebwa mu buli kitongole ekirina enteekateeka erimu okusaasanya ensimbi ku mirimu ne pulojekiti ez'enjawulo mu kibiina kyaffe.



*DOC1: INTERNAL REQUSITION FORM*

INTERNAL REQUISITION FORM

Ekitongole: WOFIISI YA SSENTEBE
Date: 06/12/2025
IRF No: BYBY_2025_001
Project Name: OKUZIIMBA BYBY MEMBERSHIP PORTAL

| Item No. | Description | Qty | Amount |
|---|---|---|---|
| 1. | | | |
| 2. | | | |
| | OMUGATTE EZIBANJIBWA | | |

Reason:

Requested by: MUNAAWA DAN
Department: & Position SSENTEBE BUGANDA YIYO BUGANDA YANGE

Approved:
Denied:
Justification:

Approved by: Ssentebe - BYBY
Paid by: Muwanika - BYBY


*Ssaabasajja Kabaka Awangaale*

Essimu: +256 759 606 006|Email: bugandayiyobugandayange@gmail.com
Website: www.bugandayiyoyange.org X:|@BugandYiyoYange

### 5. Okukola Enteekateeka (Work Plan) N'eMbalirira (Budget)Ya 2026.

Nga 20/12/2025 twatuuza olukiiko olwa kulemberwaamu Omuwandiisi wa BYBY Omul. Kalema Abubaker.K olwakola enteekateeka n'eMbalirira ya 2026. Akakiiko katuula ku SSANYU Restaurant mu bimuli ku Ring Road. Abaali ku lukiiko abalala kwaaliko Mw.Munaawa Dan, Mw.Ssekitoleko Twagala, Mky.Sarah Nviiri, Mky.Nalwadda Josephine ne Mky.Namulwana Hilda.





### 6. Akabaga Ka Banna Mawulire N'ebirabo Okuva E Mengo.

Twetaba butereevu ku kabaga ka banna Mawulire b'obwaKabaka mu bimuli bya Bulange e Mengo nga 20/12/2025 era nga twayitibwa Minisita owa Amawulire mu Buganda Oweekitiibwa Israel Kitooke. Eno, buli omu yavaayo n'ettu lya Ssekukkulu. Omugenyi omukulu yali Katikkiro wa Buganda Oweek. Charles Peter Mayiga. Abaaliyo kwaaliko Mw.Munaawa Dan, Omul.Kalema Abubaker.K, Mw.Ssekitoleko Twagala, Mky.Sarah Nviiri, Mky.Nalwadda Josephine, Mky.Namulwana Hilda ne Mw.Kulumba Dickson.









## ENTEBYA YA 2025:

| NO. | ENSONGA | OMUWENDO |
|---|---|---|
| 1. | Enyingiza | 19,164,463 |
| 2. | Ensaasanya | 16,292,000 |
| 3. | Muggwanika | 2,872,463 |

## EBIRALA EBYATUUKIBWAKO:

### 1. Okutuuza Enkiiko Ez'enjawulo.

Tusobodde okutegeka enkiiko ez'enjawulo okuva ku Executive, Enkiiko ezamangu, eza Diaspora, wamu n'enkiiko ezawamu omuli ba memba bonna aba BYBY. Enkiiko omuli ez'obuliwo wamu n'ezo ez'okumutimbagano. Nga zino zisobye mu nkiiko 20. Mungeri y'emu ebitongole byasobola okutuuza enkiiko zaabyo ez'enjawulo okusobola okuggusa emirimu egyitali gyimu.

### 2. Okutegeka Emisomo Ku Mitimbagano.

Emisomo egy'enjawulo nga gyikulembeddwamu Ssentebe waffe, gyitegekeddwa nga gyino gyikwaata ku Buwangwa n'ennono, ebitabo eby'olulimi oluganda wamu n'ensonga ez'enjawulo. Emisomo gyino gyibadde gyitegekebwa okuva wakati w'essaawa essatu n'ettaano ez'ekiro era nga abantu babadde bazijjumbira ddala.

### 3. Okwanjula Kwa Muweereza Mu Naffe.

Twasobola okwetaba ku mukolo gwa munnaffe Omuwanika Omumbejja Nattu Dorothy nga ayanjula omwami we mu maka ga bakaddebe e Buddu nga 6/9/2025. BYBY yakiikirirwa Ssentebe Mw.Munaawa Dan n'omuwandiisi Omul.Kalema Abubaker.K.

### 4. Okwongerayo Amawulire Agava Embuga.

Ngatuyita ku mikutu gyaffe egyenjawulo wamu ne bamemba baffe bonna, tuzze tusaasanya n'okwongerayo amawulire amatuufu era agakakasiddwa okuva embuga agakwata ku nsonga ezenjawulo mubantu ba Beene nga muno mwemuli n'okuttaanya, okusomesa wamu n'owabula ku nsonga eziba ziwawaazizza abantu naddala ezo omuli obulimba obubeera bwogeddwa ku bwaKabaka.

### 5. Miss Tourism Buganda.

Twetaba butereevu mu nteekateeka za bannalulungi mu Buganda nga tuli wamu ne tiimu ya BHTB okuva mu ntandikwa okutuuka mu kamalirizo ku Hotel Africana. Ssentebe kulwa BYBY yenyigira mu enteekateeka zonna, mu Boot Camp, okubabangula n'okukwata ebifaananyi. Empaka zino twaziteeka ku mitimbagano gya BYBY gyonna. Tusuubira okukola bwetutyo buli mwaka.

**OKWEBAZA**:

Tusooka okwebaza Omukama Katonda atuwadde obulamu era n'obusobozi okusobola okutuukiriza ebyo ebisobodde okugguka omwaaka guno nga ekibiina wamu era nga bamemba baakyo.

Tuzaako okwebaza Ssaabasajja Kabaka waffe okutukulembera obulungi ebbanga lyonna tusaba omukama Katonda ayongere okumukuuma, abambejja n'abalangira, maama Nnaabagereka wamu n'olulyo olulangira.

Twebaza Katikkiro wa Buganda Oweekitiibwa Charles Peter Mayiga wamu ne kabineti gyakola nayo okuweereza obulungi Obuganda ne Kabaka waffe. Tulina eky'okulabirako ekirungi ddala eri ffe abavubuka ab'omulembe Omutebi.

Mungeri eyenjawulo nga ekibiina kya BYBY twebaza nnyo Minisita wa Amaualire, Okukunga abantu era Omwogezi w'obwaKabaka Oweekitiibwa Israel Kitooke atwaagadde ennyo era atambudde naffe okuva muntandikwa nga atuwabula, atukumaakuma, atuwa amagezi, mu mirimu n'ensonga ezenjawulo, mulwaatu ne mukyaama. Tumwaagala nnyo era tusaba omukama Katonda amwongere amagezi n'okumukuuma nga bulijjo.

Twebaza olukiiko olukulembeze lwonna nga lukulemberwa Ssentebe waffe Mw.Munaawa Dan wamu n'omumyuuka we Mw.Nsubuga Najib olw'obujjumbize, okukola obutaweera okulaba nga tutuukiriza ebyo ebituvunanyizibwaako nga tusitula ekibiina kyaffe, Obuganda ne Uganda okutwaaliza awamu. Tusiima nnyo obudde, ebirowoozo, ensimbi, obuyiiya nabuli kimu kye muwaayo nga olukiiko ku lw'ekyo ekitugatta nga abaana ba Ssaabasajja Kabaka. Mazima byetukola ne bye tukoze birabwako. Omutindo n'obwegendereza mu mirimu gyaffe tukyebaliza nnyo Omuwi w'amagezi waffe Mw.Ssenkaayi Simon, atuwabula ku buli nsonga obutakoowa.

Tusiima era twebaza bannaffe abali mu Diaspora abakulembera Mw.Lubandi Micheal ne Mw.Frank Kyambadde Okwefiiriza kwe muteekamu tukutwaala nga kwamuwendo era nga kwa ttendo. Temujjanga okwo.

Twebaza ba memba era bannakibiina kya BYBY mwenna abaasalawo okwewandiisa mu bujjuvu ne mutambula nga naffe omwaaka mulamba nga mwenyigira mu mirimu ne pulojekiti ezenjawulo. Ensimbi n'obudde bwemuteekamu tusaba omukama katonda abongere obugabirizi n'okwagalanga Obuganda.

Nate twebaza nnyo Abavujjirizi baffe bonna betutambudde nabo era abatuvujjiridde mu mirimu ne pulojekiti ezenjawulo. Omukama abongere ba kasitoma era ne bizinensi zigaziwe n'omwaka ogujja nate tutambirire wamu nga tuweereza abaantu ba Beene n'obwaKabaka okutwaalira awamu.

*'Ffenna Wamu, Tusobola Okukuuma Buganda, Ensi Yaffe'*

**"Ssaabasajja Kabaka Awangaale"**

**EWANDIIKIDDWA:**



**Omul.KALEMA ABUBAKER.K**
Omuwandiisi – BYBY7

**EKAKASIDDWA:**



**Mw.MUNAAWA DAN**
Ssentebe – BYBY1

www.bugandayiyoyange.org
@Bugandyiyoyange
bugandayiyobugandayange@gmail.com
+256-759-606-006

BHTB H/Q
Lubiri Ring Road
Next to Butikkiro,
Opp Kabaka's Palace
Mengo, Kampala, Uganda




BHTB
koopser. RETAIL SERVICES
GMA
Cliff Arts PAPER BAGS & BOXES 0756 818 021 0780 117 640
Pearl Bites AND CAKES
TRIBE 56
IMARACODE
ESTEEM VENTURES LTD WEBSITES · SOFTWARE · BIZ CONSULTANTS